# Obunkenke mu kuyisa etteeka erikugira ssente eziva ebweru

Bya KIZITO MUSOKE, T. NAKAMYA NE SHAKIRAH NALUGO

OBUNKENKE n'okusika omuguwa okw'amaanyi byefuze Palamenti ng'ababaka bayisa etteeka erikugira ssente eziva ebweru okujja mu ggwanga.

Ebyokwerinda byakedde kunywezebwa okwetooloola Palamenti nga enguudo ezituukawo zonna zaggaddwa nga tewali kidduka kyonna kikkirizibwa kuyitawo okuggyako abeebigere ng'abaserikale bateevuunya okwetooloola ekifo kyonna.

Y'embeera eyabadde ku Palamenti nga beetegekera okuteesa ku bbago ly'etteeka lya "The Sovereignty Bill, 2026".

Ng'olutuula lutandise ku ssaawa 8:00, Ibrahim Ssemujju Nganda (Kira Munisipaali) yasoose kubuuza Sipiika lwaki bayiye abaserikale wabweru wa Palamenti n'okuggala enguudo ezituukawo. Yeemulugunyizza ne ku ffeesi z'abantu b'atategeera b'alaba n'agamba nti, y'embeera y'emu eyaliwo nga bayisa etteeka ly'emmwaanyi, mwe baakubira ababaka.

Sipiika Anita Among yamuzzeemu nga bw'atalina mbeera eteri ya bulijjo gy'alabye n'asaba ababaka bateese awatali kutya kuba ebyokwerinda byabwe binywevu.

Ennamusa yatuuse ku nnyooge nga batuuse ku bbago eryabaddeko okusika omuguwa, Sipiika bwe yategeezezza nti, etteeka lya 'Sovereignty Bill' eryayanjulwa minisita w'ensonga z'omunda ku Lwokusatu nga April 15, 2026 ne lisindikiddwa mu kakiiko, lyabadde likomyewo mu Palamenti era n'ayita minisita alisome omulundi ogwokubiri.

Joel Ssenyonyi (Nakawa West) yagambye nti, ennongoosereza ezaakolebwa oluvannyuma lw'okuwabula kwa Pulezidenti zaakolebwa ku buwaayiro obusinga obungi nga tewakyali bwetaavu bwa kugenda mu maaso na bbago.

Yabuuzizza oba nga bakyasobola okuteesa ku lipooti eyasomoddwa edda kuba yagikozesa ng'ensonga ng'agaana okuteesa ku lipooti ekwata ku Uganda Airlines.

Ababaka ab'enjawulo baawadde ensonga lwaki tebalina kugenda na kuteesa ku bbago, nga bagamba nti, ne gye baabadde e Munyonyo nga bakola lipooti abaagiwakanyizza baagaanye okugiwandiikirayo ekyabawalirizza okulinnya bodaboda ne bagikolera mu kifo ekirala.

Abalala nga Betty Nambooze (Mukono Munisipaali) yagambye nti, abantu abasinga abaalabika mu kakiiko ng'oggyeeko abantu ba mirundi ebiri, abasigadde bonna baawakanya etteeka era n'abuuza ekigendererwa mu kuliyisa nga Bannayuganda baaligaana.

Sipiika Among yagambye nti, okwemulugunya kw'abantu ku nsonga nga ssente eziva ebweru, obuyinza bwa minisita, n'ennyinyonnyola y'omugwiira byonna byabadde bikoleddwaako mu kakiiko nga talaba nsonga lwaki tebagenda mu maaso n'okuteesa ku bbago.

Wilson Kajwengye (Nyabusozi) eyasomye lipooti y'akakiiko k'ebyokwerinda n'akamateeka yagambye nti, baakirabye nga waliwo ebintu ebyetaaga okukyusa mu tteeka kuba litunuulidde okunyweza obwetwaze bwa Bannayuganda era nga wadde bawangaalira ebweru w'eggwanga ebbago lino teribatwala nga bagwiira okuggyako nga oli yeewandiisizza nga ajenti w'omugwiira.

Ajenti w'omugwiira takkirizibwa kufulumya mawulire ga bulimba oba okwetaba mu mulimu okunafuya, okutyoboola oba okwonoona enkola y'ebyenfuna oba obusobozi bw'eggwanga, mu by'obutebenkevu oba ebyenfuna ng'akikoze mu bugenderevu.

Agenti w'omugwiira kimukakatako okwewandiisa ne minisita w'ensonga z'omunda mu ggwanga okuweebwa satifikeeti emukkiriza okugenda mu maaso n'okufuna ssente oba n'edda.

Ssinga ozuulibwa nga ssente ezikusindikiddwa zirina ebigendererwa ebikusike eby'okutabangula



Minisita Gen. David Muhoozi ng'ayanjula ebbago ly'etteeka mu Palamenti. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

emirembe ebibonerezo biteereddwaawo nti, owa engassi etasukka buwumbi bubiri, okusibwa emyaka egitasukka 10 oba byombi.

Eri ebitongole ebyakolebwa Palamenti etteeka, ebbago ly'etteeka lino terikyabakwatako, nga ssente endala ezitajja kutunuulirwa kuliko ez'amasomero, amalwaliro, ebitongole ebikola ku bya ssente, ssente ez'okunoonyereza, ebitongole by'abakugu nga Uganda Law Society, ez'okweyambisa awaka, eziyamba amasinzizo n'ebirala.

Baakirabye nga ebbago lyogera ku musango gw'okutaataaganya ebyenfuna n'okubiyingira ne basaba bakozese ebigambo ebitegeerekeka amangu okusinga ebirina amakulu amangi.

Yagambye nti, obuwaayiro bwonna obwabadde bukwata ku mirimu gy'ebitongole bya Gavumenti egirung'amiziddwa mu mateeka baabuggyemu olw'okwewala okukuubagana mu bitongole byayo era waliwo n'ebirala ebyaweereddwa ekisonyiwo.

## LIPOOTI Z'ABABAKA ABATONO

Kyokka bwe gwatuuse ku lipooti y'ababaka abatono byayawukanyeemu ku mbeera eya bulijjo ababaka mukaaga okwabadde; Gilbert Olanya (Kilak South), Wilfred Niwagaba (Ndorwa West), Abdallah Kiwanuka (Mukono North), Medard Sseggona (Busiro East), Jonathan Odur (Erute South) ne Betty Nambooze (Mukono Munisipaali).

Jonathan Odur yagambye nti, ebigambo bya Pulezidenti ku bbago ng'agamba nti, si gye yatwala mu Kabineeti kaali kabonero kaakuggyamu Ssaabawolereza wa Gavumenti bwesige n'agamba nti, bw'ebeera kkooti gwawolereza yamugoba.

Nampala wa Gavumenti Hamson Obua, yasabye Sipiika bagende butereevu mu kukubaganya ebirowoozo ku lipooti, ekintu ekyawakanyiziddwa ab'oludda oluvuganya nga Ssenyonyi agamba nti, beetaaga obudde obumala okusooka okulyekenneenya. Ababaka baafulumye emirundi ebiri nga bwe bayingira ng'abooludda oluvuganya bagamba nti, abaabadde bawakanya eky'okuteesa ku bbago be baabadde abangi.

Oluvannyuma Sipiika yalagidde bagende butereevu ku tteeka nga balyekenneenya nnyingo ku nnyingo.

Katikkiro wa Uganda, Robinah Nabbanja yasoose kulabula ababaka b'oludda oluvuganya nga bwe bazze babeetegekedde nga ne bwe banaaleeta obukodyo butya obutwala obudde, baabadde baakuvaawo nga bayisizza etteeka.

Yusuf Nsibambi (Mawokota South) yaleese ekiteeso ebbago ligende mu maaso likubaganyizibweko ebirowoozo mu kakiiko kaabonna ne kiwagirwa.

Ababaka baatandise okwekenneenya buli nnyingo y'etteeka wakati mu booludda oluvuganya okugezaako okuwakanya, kyokka ng'aba NRM abasinga ababaka babiyisa.